

NAME:----- INDEX NO:-----

DATE:----- SIGNATURE:-----

335/2

LUGANDA

PAPER 2

2 HRS

UGANDA CERTIFICATE OF EDUCATION

Internal MOCK EXAMINATIONS 2017

LUGANDA

335/2

OBUDDE: ESSAAWA BBIRI (2 HRS)

E BYOKUGOBERA:

- ❖ *Olupapula lulimu ebitundu bisatu; A, Bne C.*
- ❖ *Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu A ne B.*
- ❖ *Mu kitundu C londayo ebibuuzo bisatu (3) byokka.*
- ❖ *Toddamu bibuuzo bisukka mu kimu okuva mu katabo akamu.*

EKITUNDU A

1. *Soma ekitundu ekikuweereddwa n'olvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.*

Ffe Abaddugavu, abantu b'endyo eza langi endala, okugeza, abazungu n'Abakiboggwe, tebannalabira daala bisaanyizo bye tulina kwe bayinza okusinziira okutuwa ekitiibwa ekisibuka ku buttoned bwaffe. Bwe twagulibwa ng'abaddu ne tutwalibwa ku nkalu endala nga olw'America, era Abazungu bwe beegabanya ensi zaffe ne bazifuula amatwale gaabwe, twafirwa ebyaffe mwe twandiggye ekitiibwa ekitali kyazike. Okufirwa obutongole mu nnimi zaffe ez'ennono, amawanga gaffe ag'ennono agasinga obungi gaatyemulwa obulere, ate obulere obwo ne bagenda nga babugattagatta nga ebiraka mu lugoye olukadde, eby'enfuna byaffe ne babirengenza, olwo ne batukolera amawanga gaffe agaliwo kaakati.

Tebaafa ku byetaago byaffe ebisibuka ku by'obuwangwa. Ffe mu mawanga ago ekiseera eky'okwefuga we kituukidde nga n'ebi'obuzaale bwaffe, amagezi gaffe, eby'enfuna byaffe ko n'endowooza zaffe nga tubyerabidde oba nga tetukyabifaako, kaakati kye tuva tubeera ng'abantu Katonda be yatonda n'atabaako k'atuwadde mu by'amagezi: Abaliwo ku lw'ekisa kya baganda baffe ab'ensi endala.

So mu butuufu, buli ggwanga Katonda yalyawuliza ku bitone bye. Mulimu gwa buli ggwanga okutegeera n'okukuza ebitone byalyo. Bwe liremwa okubifaako be ligulumiza eby'amawanga amalala byokka ebyalyo tebikula. Ebiro bino osanga abaana mu maka agamu nga bakuluusanyizibwa n'okwogera Olungereza: mbu nga ke kabonero akalaga amagezi era nga ye nsibuko y'ekitiibwa mu maka. Okufumbira obuyindiyindi n'ensugga mu binyeebwa, mbu ke kabonero akooleka obujejjere mu maka! Endowooza ey'engeri eyo, etaliimu kwewa kitiiibwa terema kuleetera mawanga gaffe nga Yuganda, okuyisibwa nga

ery'abato abasaanidde okugabirirwa, okulagirirwa, okujjukiza kye lisaanye okukola, n'okuyigirizibwanga bulijjo.

Ekitone kayingo omutonzi kye yawa abantu kwe kutegeera n'okwemanya, ate n'okusobola okunyonnyola ebirowoozo nga babyogera mu bigambo. Olulimi kye luva lubeera empisa ey'obuzaaliranwa enku luva lubeera. Abantu abatasobola kwenyonnyola mu lulimi lwabwe, kizibu okubawa ekitiibwa ekisibuka mu bo bennyini. Abantu abalabufu bateekwa okumanya n'okutegeera obulungi olulimi lwabwe ate n'okulikuza nga bwe kiyinzika, lusobole okutuukana n'embeera y'obulamu bwabwe egenda ekyuka. Anti embeera y'abantu bw'ekyuka n'olulimi nga lukyuka okutuukana n'embeera eyo. Bwe kityo embeera ereetera olulimi okuzaalibwa, okukula, ate n'okufa.

Buli ggwanga ly'Abaddugavu eririna olulimi oluweza ebisaanyizo kirungi okukulaakulanya olulimi lwalyo. Afirika yonna erwetaga, kubanga "Tufaanane si kyalo," ate kirungi kimanyibwe nti buli ggwanga terikikola lwa kwesukkulumya ku malala, wabula lwa kulwanirira kitilbwa kya luse lwaffe Abaddugavu, n'okwetusaako eby'amagezi mu ngeri esinga obwangu n'omugaso; n'ebi'amagezi bye tuyigidde mu mawanga gonna amakulu bwe gaakola.

(Kismbuddwa mu Musizi, Feb. 1983, bya P. J. Kaddu Nnamba 330 Olup. 29, nga mulimu ebyongeddamu).

Ebibuuzo:

- (a) Olugero "Tufaanane si kyalo" omuwandiisi aleese lwaki? (Obubonero 3)
- (b) "Embeera z'olulimi omuwandiisi azigeraageranyiza ku mbeera z'omuntu" kino akiraze atya? (Obubonero 3)
- (c) Nyonnyola engeri za mirundi musanvu (7) abazungu gye bakonzibyamu amawanga g'Abaddugavu. (Obubonero 7)
- (d) Omuwandiisi kifaananyi ki ky'atuwadde Afrika kye yandibadde nakyo? (Obubonero 2)
- (e) Singa Abaddugavu bakulaakulanya ennimi zaabwe Afrika ey'enkyo eneefaanana etya? (Obubonero 4)
- (f) Nyonnyola ensonga egaana Ab'ekibogwe okuwa Abaddugavu ekitiibwa. (Obubonero 2)

Mu bibuuzo ebiddako (g, h, I, j) londako ekyokuddamu ekisingako obutuufu ku bikuweereddwa. (Obubonero 4)

- (g) Omutwe ogusaanidde ekiwandiiko kino ye
 - (i) Obulabufu (iii) Okwekubagiza
 - (ii) Obuyigirize (iv) Ebiraka
- (h) Abaddugavu bwe baatwaibwa mu buddu
 - (i) kyaweesa abaddugavu ekitiibwa eky'ennono mu America
 - (ii) ye yali ensibuko y'Abazungu okulengezza eby'enfuna y'Abaddugavu
 - (iii) ennimi z'Abaddugavu zaakulakulana nnyo olw'abaddugavu okusomesa ennimi zaabwe mu America
 - (iv) Abazungu baatendereza nnyo abaddugavu

- (i) "Ebiro bino osanga abaana mu maka agamu nga bakuluusanyizibwa n'okwogera Olungereza". Wano omuwandiisi ayagala kukkaatiriza nsongki?
- (i) Eno ye nsibuko y'ekitiibwa eky'ennono.
 - (ii) Eno ye nsibuko y'ekitiibwa ekyazike.
 - (iii) Ke kabonero akalaga enkulaakulana mu by'amagezi.
 - (iv) Kino kye kitiibwa ekisaanidde mu maka.
- (j) Omuwandiisi kifaananyi ki ky'atuwa ku mawanga agaakula edda?
- (i) Gaakula nga geesukkulumya ku gannaago.
 - (ii) Abazungu bwe bakyuka mu mbeera zaabwe, olulimi lwabwe lwo terukyuka.
 - (iii) Bawa Abaddugavu ekitiibwa ekisibuka ku buttoned bwabwe.
 - (iv) Buli ggwanga mu Bulaaya lyafuba okwekuunjaanyaiza eby'amagezi okuva awalala ne ligafuulira ddala agaalyo.

EKITUNDU B

Kola nnamba 2(a) ne 2(b).

2.(a) Maliriza engero zino nga bwe zoogerebwa. (Obubonero 10)

- (i) , be balima akambugu.
- (ii) , gookya engalo.
- (iii) , empewo ekusuaza minyira.
- (iv) , si y'amusikira.
- (v) , Katonda azitunga kiro.
- (vi) Awagenda ekkovu,
- (vii) Akutwala ekiro,
- (viii) Akuvuma obuto,
- (ix) Ebibuuka bitalagaanye,
- (x) Ataalugende,

(b) Nyonnyola amakulu ag'omunda agali mu ngero zino. (Obubonero 5)

- (i) Akuwaaniriza okulinnya, bw'ogwa y'akuyita "kaddu wannema".
- (ii) Atunda ayolesa y'atera okumaza.
- (iii) Asooka okufuna yeerabira munne by'alifuna.
- (iv) Obwatu tebukumanyisa akwagala.
- (v) Akunoonya ameewola takunoonya masasula.

EKITUNDU C

- **Ddamu ebibuuzo bisatu buokka ng'obiggya mu butabo obw'enjawulo.**
- **Toddamu bibuuzo bisukka kimu ku buli katabo.**

3.(a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

F. MASAGAZI NE BANNE: Balya N'enseekeezi

OMUGOTTEKO MU KIBUGA

Ebibuga bya leero,
Migotteko katogo,
Nju ku nnyumba,
Mpaawo bussizo.

Ffumbiro ne buyonjo,
Byawulwa mizigo.
Olubalaza emisana,
Kinaabiro ekiro.

Sseffuliya effumba,
Kyogero kya mwana.
Ebbaafu enaaba,
Yeegoyerla lya ccapati.

Empitambi efulumwa,
Esibwa mu matu.
Amazzi amajama,
Gawooma butunda.

Abavubuka okwenda
Bakeera maliiri
Abakadde okutala,
Abato badd'eri.

Omwana ne nnyina,
Bagabana musajja.
Omuvubuka ne taata
Bawaanyisa bakazi.

Obuyisa amatendo,
Bumiringuswa agaze.
Omuzigo n'omuliro,
Okusuzibwa mu kattu!

Ebibuuzo:

- | | |
|--|----------------|
| (i) Omanyira ku ki nti kino kitontome? | (Obubonero 4) |
| (ii) Ng'osinziira ku kitontome kino, laga ebizibu ebisangibwa mu kibuga. | (Obubonero 4) |
| (iii) Amaloboozi gazimbiddwa gatya mu kitontome kino? | (Obubhonero 8) |
| (iv) Bw'osoma ekitontome kino kikusa mu mbeera ki? | (Obubonero 4) |

OBIA

- (b) Bw'osoma ebitontome Balya N'enseekeezi, okizuula mangu nti abawandiisi baakyo boogra ku biseera eby'akaco kano. Lambulula endowooza eyo n'ebiyokulabirako.
(Obubonero 20)

P. MUKASA: Jjangu Tutontome

Kola nnamba 4(a) oba 4(b).

4.(a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkuomerero yaakyo.

OBWOMU

Nzuuno nkaddiye nyenjebuse, Wuliriza!
Bonna abanzaala baweddewo, Wuliriza!
Munnange eyandeeta yasomoka, Wuliriza!
Kaakati nsigadde kwekubagiza!

Nzuuno nkaddiye nsensebuse, Wuliriza!
Abaana baabuna dda emiwabo, Wuliriza!
Enjanda ez'essimba zinserebyeko, Wuliriza!
Kaakati nsigadde kuwuluguma!

Nzuuno nkaddiye mpootedde, Wuliriza!
Otulo neebaka mpawamuka, Wuliriza!
Ebisalabatta bimpawamula, Wuliriza!
Kaakati nsigadde kuwuniikirira!

Nzuuno nkaddiye ng'enderera, Wuliriza!
N'ekiwiubalo kimpitirira, Wuliriza!
Gye nkyala siraba nayo. Wuliriza!
Kaakati nsigadde kukoona mimiro!

Nzuuno nkaddiye nyongobera, Wuliriza!
Nzuuno nkaddiye njabirira, Wuliriza!
Eyalina abangi batokomose, Wuliriza!
Abankyalira abo balusuluugi, Wuliriza!
Kaakati nsigadde kuwuluguma!

Nzuuno nkaddiye nyenjebuse, Wuliriza!
Ndowoolereza ne nsumagira, Wuliriza!
Emmere nayo tempoomera, Wuliriza!
Kaakati nsigadde kwenakuwaza!

Nzuuno nkaddiye nyongobera. Wuliriza!
Ab'emikwano besulubabba, Wuliriza!
Annyumiza emboozsi mulabako, Wuliriza!
Kaakati nsigadde kutolotooma!

Obwomu buterebula, Wuliriza!
Ennaku yeetuma ng'oli bwa ppeke, Wuliriza!
N'ossa ebikkowe eby'okumukumu, Wuliriza!
N'ogakaaba ate ne gakala!

Obwomu nga bukaluba, Wuliriza!
Buli akakuba n'okawulira, Wuliriza!
Eyalina abantu n'owuluguma, Wuliriza!
Kaakati nsabirira kusomoka!

Ebibuuzo:

- (i) Laga ebintu bina (4) omutontomi by'akola mu kitontome kino. (Obubonero 4)
- (ii) Omuwandiisi bintu ki by'akoze okunyumisa ekitontome kye?
- (iii) Bw'osoma ekitontome kino kikussa mu mbeera ki? Lwaki? Nyonnyola bulungi. (Obubonero 4)
- (iv) Nyonnyola omutontomi kya'ategeeza mu sitanza esembayo. (Obubonero 4)

OBA

- (b) Menya emize etaano (5) Mukasa gy'atontomako mu katabo ke Jjangu Tutontome olage n'obubaka bw'atutuusako ng'ayita mu mize egyo. (Obubonero 20)

C. KALINDA: Pawulo Kirimuttu

Kola nnamba 5(a) oba 5(b).

- 5.(a) Nyonnyolla omusomo gwa Kalinda mu kuwandiika gye gufuula akatabo ke ak'omulembe. (Obubonero 20)

OBA

- (b) Nyonnyola engeri abantu b'e Wabinoga gye baakuumamu empisa zaabwe ez'ekinnansi. (Obubonero 20)

W. KIYINGI: Gw'osussa Emmwanyi

Kola nnamba 6(a) oba 6(b).

- 6.(a) Omuzannya Gwosussa Emmwanyi gugenderera kukyayisa bantu butettanira kibuga nga bava mu kyalo. Laga obutuufu bw'endooza eno. (Obubonero 20)

OBA

- (b) "Abantu abalabye Gwosussa Emmwanyi bona bakakasirizza ddala eddekende erigulimu n'obukugu bw'omuyiiya waagwo? Nyonnyola eddekende n'obukugu bwa Kiyingi nga bwe bweylekera mu muzannyo guno. (Obubonero 20)

R.G. MUKASA: Tokiiya ɳjongo Nto

Kola nnamba 7(a) oba 7(b).

- 7.(a) Nyonnyola bulungi abantu abakiyya ejnjonge ento n'engeri gye bagikiyyamu mu lugero luno. (Obubonero 20)

OBA

- (b) Bintu ki ebifuula olugero luno okuba olunyuvu era kino omuwandiisi akikola atya? (Obubonero 20)

BIKOMYE WANO!